**P360/1**
**LUGANDA**
GULAMA
ENKOZESA Y'OLULIMI,
OBUWANGWA,
N'ABAWANDIISI
**Paper 1**
27 July 2018
**2 ½ hours**

**ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

**LUGANDA**

OLUPAPULA OLUSOOKA

(GULAMA, ENKOZESA Y'OLULIMI, OBUWANGWA N'ABAWANDIISI)

**Ssaawa Bbiri n'ekitundu**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lulimu ebitundu* **bisatu** ***A, B*** ne ***C***

Ekitundu ***A*** *kyonna kya buwaze.*

*Mu* Kitundu **B** *kola nnamba* **2, 3** *ne* **4.**

*Mu* Kitundu ***C****, ggyamu ekibuuzo* **kimu** *ng'okironda ku bikuweereddwa.*

***© 2018 Entebbe Joint Examination Bureau: Luganda*** 

## EKITUNDU A

**1.** (a) Ebigambo ebikuweereddwa ddamu obisengeke ng'ogoberera Walifu y'Oluganda. *(Obubonero 05)*

- Yingira
- Saba
- Nnyambala
- Twala
- Ekitiibwa

(b) Nga weeyambisa ebyokulabirako, laga ebifo bibiri mwetuwulira eddoboozi eriwangaala kyokka ne tutaliraga mu mpandiika. *(Obubonero 04)*

(c) (i) Ebikolwa ebikuweereddwa bifuule Nnakongezalinnya. *(Obubonero 05)*

- kkuta
- kenkuka
- bongola
- serebera
- tabanguka

(ii) Kozesa Nnakongezalinnya ezo mu sentensi. *(Obubonero 05)*

(d) Sentensi ezikuweereddwa ddamu oziwandiike nga nnakalazi ezirimu ozifudde enzirugaze. *(Obubonero 06)*

(i) Yagenda e Jinjan'amulaba.
(ii) Balidde mu bannaabwe olukwe.
(iii) Aggyiddwa ku busika.

(e) Wandiika ebigambo bisatu (3) ebirimu ennyingo 'zikyewaggula.' *(Obubonero 03)*

(f) Laga enkolagana eriwo wakati w'olubu 6MA ne 15KU. *(Obubonero 02)*

## EKITUNDU B:

*Kola nnamba* **2, 3** *ne* **4** *ng'ogoberera ebikuweereddwa.*

*Londako ekibuuzo kimu kyokka ku* **2. (a)** *oba* **2. (b)**

**2.** (a) (i) Laga amasaza ga Buganda ataano owe n'abaami abagakulira. *(Obubonero 10)*

(ii) Nnyonnyola omugaso gw'obukulembeze bwa Buganda okuyita mu masaza. *(Obubonero 10)*

**Oba**

(b) Laga era onnyonnyole omugaso gw'omuteteme eri Omuganda. *(Obubonero 20)*

*Kola* **3. (a)** *ne* **3. (b)**

**3.** (a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bina (4) onnyonnyole amakulu gaabyo agoomunda.

(i) Okumalamu omusulo
(ii) Okwesala akajegere.
(iii) Okuyita kulinga mufu y'awunya.
(iv) Okuzingira emikono ku kifuba.
(v) Ekintu okuba

*(Obubonero 08)*

(b) Kozesa ebisoko ebikuweereddwa mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo.

(i) Emboozi okugwa amakerenda.
(ii) Okukoma ku munaabo
(iii) Enkoko okugikwata omumwa

*(Obubonero 06)*

*Kola* **4. (a)** *ne* **4. (b)**

**4.** (a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwezoogerebwa.

(i) Atannaziraba ……..……………………………..

(ii) Ekitali kyogere ....…..……………………………..

(iii) ……..…………………………….. w'otera okudda.

*(Obubonero 06)*

(b) Nnyonnyola obubaka obuli mu ngero ezikuweereddwa.

(i) Ow'entono alunda zize, ebisige tebyegatta na nviiri.
(ii) W'otonnava toyonoona mu kisulo.
(iii) Gy'otega amaggwa gyebakuzza.
(iv) Abalungi ndagala nnamu,teziggwa mu lusuku.
(v) Ky'owola otudde okibanja oyimiridde

*(Obubonero 10)*

## EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuzo kimu okuva mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba,* **5**, **6** oba **7**.

*Kola* **5. (a)** *oba* **5. (b)**

**5.** (a) Obwagazi bwa Kaswa eri eggwanga lye bweyolekedde bulungi mu mirimu gy'akoledde ensi ye. Nnyonnyola. *(Obubonero 20)*

**Oba**

(b) Obuwangwa bw'omuwandiisi bweyolekera nnyo mu ebyo by'awandiika. Weesibe ku kitabo *Omunaku Kaama* onnyonnyole ensonga eyo. *(Obubonero 20)*

*Kola* **6. (a)** *oba* **6. (b)**

**6.** (a) Nnyonnyola engeri obulamu bwa Busuulwa gyebweyolekera mu kitabo *Gatimpa Gatimpule*. *(Obubonero 20)*

**Oba**

(b) Enjogera basiima ogenze efuuse ŋŋanzi nnyo ensangi zino. Naye munnayuganda wa leero yeetaaga okusiima Busuulwa nga tannatuva ku maaso. Nnyonnyola obutuufu bw'ensonga eno. *(Obubonero 20)*

*Kola* **7. (a)** *oba* **7. (b)**

**7.** (a) Weesigame ku kimu ku bitabo bya Aloysius Matovu Joy, olage engeri gy'atwoleseemu ebyobuwangwa bw'Abaganda. *(Obubonero 20)*

**Oba**

(b) "Akoze ebirungi asaana kwebaza." Laga engeri Obuganda gyebusaanye okwebazaamu Matovu olw'ebyo by'akoze. *(Obubonero 20)*